**OMUSOMO GUNO GUTEGEKEDDWA: SSEKIMWANYI MUSA**
**(MUSOMESA MU KYADDONDO SECONDARY SCHOOL – MATUGGA**
**0777 023795 / 0705 332705)**

# EMPISA Y'OKUYIGGA.

Guno mulimu gwa basajja n'abalenzi abatoototo. Gukolebwa ng'omulimu nga banoonya enva ate erudda guba muzannyo ogunyumira abato n'abakulu, naddala nga bakwasizzaayo akantu.

Ensonga endala eyatwalanga abantu okuyigga ne baleka eka ensolo ezirundibwa ng'embuzi, ente, endiga, obumyu n'endala, kwabanga kuterekera ezo ezirundibwa, emikolo emirala ng'okwanjula, embaga, abagenyi, ennyimbe n'enkiiko.

## EMIRIMU EGISOOKA OKUYIGGA.

1. **OKUGOGOLA ENŊŊWANYU**
   Eŋŋwanyu oba olugwanyu buba buti butonotono, bugumu, buwanvu, nga bwenkanankana. Babukozesa okutimbako oba okutegekako ekitimba. Busongolwa wansi gye babufumitira mu ttaka nga tebannabutimbako (okutegako) ekitimba.

2. **OKULUKA EBITIMBA.**
   Baalukanga ebitimba ebitega ensolo ennene nga biba n'amaaso manene nga bino biyitibwa **miguwa**. Bino byayinzanga okulukibwa mu bibowabowa ebiyitibwa **ebinsambwe**. Kuno kwavaako n'olugero olugamba nti:-

   ***"Bakulagirira eddagala eritta engabi, oyokya binsambwe?"***

   Baalukanga n'**entuula**, nga bwe butimba obw'amaaso amatono obutega obusolo obutono, ng'omusu, empeewo n'effumbe. Entuula zaalukibwanga mu **Bugwogwa** nga balanga obugwogwa bubiri obutono.

3. **EŊŊOMBE N'AMALENGE.**
   Abayizzi baabeeranga n'eŋŋombe n'amalenge. Eŋŋombe zaakolebwanga mu mayembe ga nsolo nga gawummuddwamu ebituli. Omu bwe yaziganga ensolo ng'agirabidde ddala w'esuze, n'alyoka akomawo ku kyalo n'afuuwa eŋŋombe oba eddenge bonna ne bawulira.

   Abayizzi bonna nga bakuŋŋaanye, n'alyoka ababuulira erinnya ly'akasolo k'azize. Bwe kaba katono ng'omusu, nga batwala entuula, wabula ensolo bw'eba ennene nga baleeta emiguwa. Abayizzi, buli omu, beetikka ebitimba byabwe ne bagenda n'oyo abazize ensolo (Omuzizi).

## OKUZIGA ENSOLO.

Okuziga, kwe kunoonya n'okuzuula awali ensolo gye mwagala okuyigga. Aziga ensolo ayitibwa **muzizi.**

Omuzizi agenda ku nsiko n'agoba obuwufu bw'ensolo w'eyise. Obuwufu obw'omusu buyitibwa **kyole**, ate obw'ensolo ennene buyitibwa **lugendo**.

Okuziga ensolo kyetaagisa kukeera nnyo ku nsiko ng'omusulo gukyaliko. Kino

kyayambanga okulaba obulungi ebigere by'ensolo gye biraze era amanye oba yakagenda oba yagenze dda, n'oludda gye bitunudde.

Omuzizi bw'ogoba obuwufu n'alaba ng'ensolo yayingidde ekibira oba ekisaka, akyetooloola okulaba oba nga ddala tefulumye kizigo. Kino akikola mpola ng'asooba ensolo ereme kufubutuka. Kye baava bagamba nti,

*"Atta ekizigo, asooba".*

Omuzizi ng'amaze okulaba ensolo we yayingiridde ensiko oba ekisaka, alina okulambawo asobole okumanyisa bayizzi banne nti ensolo emaze okuzigibwa. Kino bakiyita **okuzibikira ensolo**. Era kikolebwa ng'omuzizi akiika obuti mu lugendo lw'ensolo.

Olumu ensolo eyinza okuba ng'efuluma ku kizigo ate n'eddayo, awo w'ekomye n'eddayo wayitibwa **kyekoono**.

## OKUSALA EKIZIGO.

Kuno kwe kukola oluwenda okwetooloola ensiko gy'asuubira okubaako ensolo. Ateekwa okwegendereza ennyo aleme kubuusa nsolo n'egenda nga tategedde.

**OKUBAGULIZA KU BAYIZZI ABALALA**

Omuzizi bw'amala okusala ekizigo, addayo eka okugoberera bayizzi banne, ng'afuuwa eŋŋombe oba eddenge.

Awo ng buli omu yeebagajja omuggo, effumu, ekitimba neŋŋwanyu kugenda eŋŋombe gy'evugira. Embwa nazo tezaasigalanga nnyuma; so nga ate n'ebide nabyo babitwalra mu nkwawa oba mu bikondoolo.

## EMPISA Y'OKU KIZIGO

Omuzizi y'akulembera banne nga bagenda ku kizigo era nga batambula kasirise nga tewabaawo ayogera.

Wabula agenda asuula obusubi n'obukoola okulagirira bayizzi banne abajja ekikeerezi, nabo basobole okutuuka ku kizigo. Obusubi obusuulibwa okulagirira abayizzi abalala buyitibwa **buwa**. Era bwe baagendanga bagoba okutuuka ku bannaabwe.

Abayizzi abajja oluvannyuma ne bwe basanga ng'ensolo bamaze okugitta, bagabana ku nnyama ey'obugoba; ne bwe kaba katono katya, tekazirwa. Kuno kwe kwava enjogera egamba nti,

*"Katono ka buyizzi, tekagaanibwa."*

Abayizzi batuuka ku kizigo nga basirise be cce! Nga tewali wadde akolola nga n'enswagiro ntono ddala. Embwa nazo kino ziba zikimanyi.; ensolo ereme kubawulira kufubutuka. Kye bava bagamba nti:

*"Anatta ekizigo asooba"*

Ku kizigo, omuzizi alaga banne ow'okutega era bategа mu kaama akayitirivu. Baazingululanga ebitimba ne baggyamu eŋŋwangu ne bagenda nga bazifumita mu ttaka bageraageranya **Emirambaalo** egiri mu kitimba. Omulambaalo ogumu gwenkanankana obuwanvu bw'omuntu ng'agasseeko obuwanvu bw'omukono gwe omugolole waggulu.

Abayizzi batandika okutimba oba okutega ebitimba ku ŋŋwangu ze baafumise edda mu ttaka ne zinywera. Omu w'akoma okutega omulala asuulawo ebbanga ettonotono naye

n'atega ekikye.

Okuva ku kitimba ekimu okutuuka ku kitimba ekiddako balekawo ebbanga eriyitibwa **empungu**. Mu mpngu muno, bannannyini bitimba mwe bayimirira nga basirise; okuggyako ng'ensolo ereegedde mu mpungu. Olwo omuyizzi agyamira esobole okutoola (okugwa) mu kitimba.

Ekifo abayizzi we bakoma okutega ebitimba wayitbwa **mukoobero**. **Abasazzi**, oba **abasagguzi** oba **abakubirizi** bayimirira okuva ku mukoobero ogumu okutuuka ku mukoobero oludda olulala nga bayimirira kumukumu n'emiggo. Wano wonna nga kakyali kasirise.

Nga bamaze okutega ebitimba. Omuyizzi alina embwa ajja mu luwenda ekisolo we kyayingiridde ku nsiko enkulu, ng'asibye mu mbwa ze ebyuma ebivuga ennyo okukanga ekisolo kiryoke kidduke.

Embwa zigenda nga ziwunyiriza olusu lw'ekisolo, nga ne nnannyini zo bw'azigoberera nga bw'ayasira okuziwa amaanyi nti **"Ayi lya! Kwata nyaabula!"** n'ebirala bingi by'alaamiriza okwongera embwa obukambwe.

Abayizzi abatalina bitimba abalala, bo baba bakubirira ku nsiko ey'ebbali ebitimba gye byakomye (mukoobero), naye ng'abali mu bitimba (mu mpungu) tebayogera wabula okusirika obusiris. Wano we waava enjogera nti;

***"Bakusaggira okolola; ak'obugoba k'oyagala?"***

Ekisolo bwe kigugumuka, kidduka kidda ku ludda eteva lwogoolo (ewali ebitimba) . Awo nga kigwa mu kitimba nga bakifumita. Ekisolo ekyagwanga mu kitimba nga tekisobolo kuvaamu kubanga ekitimba kikibuutikira kyonna.

## OKUFUMITA ENSOLO

Ensolo bw'egwa mu kitimba , bagifumita ne bagitta.

Oyo asooka okugifumita alayira nti**, "Kulwa Kabaka!"**

Oba nti "**Ngiwadde!"** oba nti **"Ebikoto, ebikoto!"**

Owokubiri alayira nti**, "Ku lw'ebikya"**

Owookusatu mu kufumita alayira nti **"Ku lw'amayiŋŋaanyi"**

Oba nti **"Olulenge!"**

## ENGERI Y'OKUGABANA ENNYAMA.

1. **NANNYINI KITIMBA.**
   Oyo atwala amagulu abiri, n'agabana n'ekitundu ku byenda. Omuyizzi bw'aba ng'ekitimba yakyeyazise bweyazisi, era ye agabana nga nannyini kitimba. Bw'addayo bagabanira eyo eka ewaabwe ne nannyini kyo omutuufu.

2. **OMUZIZI**
   Ono atwala okugulu kumu okwennyuma, ekigongo, omutwe n'eddiba wamu n'ekitundu ku byenda.

3. **OMUGOBEREZI**
   (Ono y'ayingira mu kizigo n'omuzizi okusaggula ensolo) Ye atwala oluuyi lw'ekifuba.

**4.** Asooka okufumita ku nsolo agabana luuyi lwokka.

5. Omuwuzi (ono y'addirira omussi) atwala oba agabana NSIKYA. Babala embiriizi bbiri eza waggulu ne zigenda n'ensingo.

6. Addirira omuwuzi atwala **mayiŋŋaanyi**. Ono agaban aekirenge ng'atwaliddeko akanyama n'olubirizi lumu.

7. Ow'embwa eyanonanga ensolo ku kizigo, yatwalangako kifuba, era ne bwe bataabeeranga na mbwa, abantu abaagobereranga ensolo ku kzigo, baababwangako kifuba ne bagabana ekyo.

8. Abo bwe baamalanga okugabana, n'abayizzi abalala bonna ne balyoka bagabana ennyama ey'omukono ogusigaddewo.

9. Bwe baabeeeranga bayizze ffumbe embwa n'erikwata, nga nnanyini mbwa atwalako amagulu asatu olw'embwa ze okulikwata.

10. Ku nnyama ey'omuyiggo embwa zaalyangako byenda n'amagumba.

11. Omwami nannyini nsiko agabana kigongo. Bwe bataamuwanga ng'abagaana okuyiggira ku nsiko ye omulundi omulala. Era kuno kwe kwava n'olugero olugamba nti,
    ***"Atabubira nsiko ye, taliira."***

12. Omuyizzi bwe yabeeranga omwami nga bw'atta effumbe, embwa ziryako kugulu n'ensikya, n'omutwe. Bwe zaaabeerang a zisse amafumbe abiri, nga ziryako erimu.

## OKUDDA EKA OLUVANNYUMA LW'OMUYIGGO.

Bwe battanga, abayizzi baddangayo bafuuwa eŋŋombe nti "**kolokota Ensaka"** ng n'obuluulu okwo kwe batadde. Bo abeeka oba aboomuliraano nga babakulisaayo (abayizzi) nti "**Buswagu".** Bo nga baddamu nti **"Nnyama, Ddungu ayizze!"**

Nga batuuse eka omuyizi ng'asooka kubuuza mukazi we mmere ya mbwa ze. Bw'eteebeerangawo, ng'omukazi talya era ng'akubwa emiggo. Wano we waava enjogera egamba nti,

***"Siriva wano, gwa mbwa gwe gumuggyawo"***

Omuyizzi yateranga okuweereza ku munne ataasobolanga kwenyigira mu muyiggo ogwo. Era wano we waava enjogera nti

***"Omuyizzi aswaguza gw'alya naye."***

Bw ebaabanga tebasse, bwe baabukulisangayo baddangamu nti, "**Bikampa".** Ebikampa bye bisubi ebisigala ng a tebiyidde ng'oluyiira lusirisse.

**WEETEGEREZE:**

Ensolo bwe yabalemanga n'edduka, baayogeranga mazima nti "Yagenze, etulemye; naye mugireke tuligitta olulala."Olugero kye luva lugamba nti , " Omuyizzi tafa , akasolo ke kafa."

Singa ensolo eyoola ekitimba wabula ne yeeyambula omuguwa nga tewali agifumise naye n'efumitibwa mu bbanga kuno kwe bayita **OKUFUMITA OBUTANGA.**

Singa ensolo eyoola ekitimba wabula ne yeetagguluza n'erema abayizzi okugifumita

omuyiggo guno gwe bayita **MWABUKIRABUSA;** era guliko n'olugero olugamba nti:

*"Oyigga ng'otta, omwabukira busa si muyiggo."*

Singa omuyizzi ava mu muguwa / kitimba kye n'agenda afumitira ensolo mu muguwa oba mu kitimba bya munne, aba **aweekudde** nannyini kitimba omuba mufumitiddwa ensolo.

## EBIWANUUZIBWA KU KUYIGGA.

1. Abayizzi bwe baalabanga tebatta bisolo mu kuyigga kwabwe, baagendanga ewa lubaale Ddungu ne balagulwa.

2. Singa, nga bamaze okulagulwa, baagendanga ne batta ensolo, nga batoola ku nnyama y'ebisolo gye basse ne batwalayo **obweyamo** olwa Lubaale okulagula obulungi.

3. Abayizi bwe battanga embogo, omutwe gwayo baaguliiranga mu nsiko, eryoke ereme okubalulumirira. Ekiwanga kyayo, baakiteekanga mu masabo ga balubaale baabwe, era nga batya omuzimu gw'embogo okubalulumirira okubalwaza.

4. Bwe baabeeranga batwala ennyama ewa Lubaale Ddungu, baatwalangayo ekifi ky'ekigongo era nga batwalirako n'enku z'obusaana.

## OBUKULU BW'OKUYIGGA

## (Naawe birambulule totuula butuuzi)

1. Tufunamu ennyama (eky'okulya)

2. Muzannyo era gusanyusa nnyo ne Ssaabasajja Kabaka y'ensonga lwaki yagwenyigirangamu.

3. Kyabuwangwa kikulu nnyo naddala wano mu Buganda.

4. Ennyamba oluusi etundibwa olwo ne twefunira ku nsimbi.

5. Olw'okuba nti omulimu guno gulimu okudduka wano na wali, gukuumira ddala oyo agw'enyigiramu nga mulamu bulungi.

6. Abantu okukuŋŋaanirako awamu kyongera enkolagana wakati waabwe.

7. Omulimu gutuyigiriza okugaba olw'engabana y'ennyama gye tulabye waggulu.

8. *N'ebirala nga bw'obadde omanyi.*

## ENGERO KU KUYIGGA

1. Afuuye ŋŋombe ng'akasolo tekannafa.

2. Afuuye ŋŋombe nga talagaanye na bayizzi.
3. Agamyuka omutezi ge gamyuka n'akasolo.
4. Akatabagano katta omutezi n'omwoki
5. Akanyiigo akakwata embwa omuyizzi takamanya.
6. Akusuutasuuta akuliisa engo.
7. Amala gateeba bw'ayigga ku kizigo avaayo bukumbu.
8. Atannabambula tomuyita "kabaaga-mbwa."
9. Atta ekizigo asooba.
10. Ayeemanyi amalwalire takuba / tayigga ngabi.
11. Ayogera kaati ng'omuyizzi amaze okutega.
12. Bakusaggira okololola ey'obugoba gy'oyagala?
13. Bakulagirira eddagala eritta engabi, oyokya binsambwe?
14. "Balo embogo yamutta" Ko Nnampulirazzibi, nti bw'atyo bw'azifumita."
15. Buswagu oswaguza ne gw'olya naye.
16. Embw a bw'ebula agyasira teyigga.
17. Embwa bw'eggwa amaanyi nga n'amaddu gawedde.
18. Embwa enjizzi ezaala nkolya.
19. Embwa ennyingi ziwabya omusu.
20. Embwa eyiggira gaayo, n'aga mukama waayo.
21. Abalungi mbwa ya nnamaaso bw'etebba n'eyigga.
22. Embwa zaafa amagunju gayinaayina.
23. Emyasire ebiri giwabya embwa.
24. Engabi eneefa tewulira ŋŋombe.
25. Engabi tekooyera watali kibira.
26. Engabi ey'ewala y'ekalubya ennyama.
27. Enkasuka ennungi y'ezza omusu.
28. Gutta ento ne gutasubwa (omuyiggo).
29. Linda kiggweeyo, afumita mukira.
30. Lutimba lukadde, luttira n'awatali ggira.
31. Muyizzi agezza ttutuma.
32. Nnyama ntono, okayana eri mu nkwawa.
33. Nnyini kitimba / ffumu tasubwa nnyama.
34. Olangajja ng'afumita ekitaliibwa.
35. Oli kasobeza nga muyizzi agamba embwa "Mutte omulye!' ate n'agiwaako amagumba.
36. Omukadde ayigga, olutabaalo atenguwa lutenguwe.
37. Omuyizzi akumma, n'akunyumiza omuyiggo.
38. Omuyizzi tafa, kasolo ke kafa.
39. Omuyizzi atabubira nsiko ye taliira.
40. Omwami kitimba; attira n'awatali ggira
41. Ow'akajujuba takwasa mutego.
42. Oyigganga otta omwabukira busa si muyiggo.
43. Si kutta kulonda
44. Tekoobedde egudde mu kyayo.

45. Totta (Tobukuta) kibe nga tonnakikenenye ndusu.
46. Va eri engabi tasimira mbwa lumonde.
47. Weeyogeza ng'ow'amalibu ayigga ayasira.
48. Mbwa zaafa, amagunju gayinaayira.

## EMITEGO

Ensolo ezitaasobolanga kuyiggibwa na bitimba oba ntuula, baasooka nga kuzitega mitego. Bino by'ebika by'emitego gye baakozesanga.

### 1. OBUYA

Kino kiba kinnya ekisimwa mu kkubo ly'ensolo. Waggulu kiba kigazi ensolo ng'egyamu bulungi ate wansi nga kifunda nga bw'egwamu tegyamu.

Bakibikkako obusubi ate ettaka erivaamu ne baliyiwa wala. Ensolo bw'ejja ng'etambula, ng'egwa mu kinnya (okuga mu Buya).

Obuya butegekebwa kutta nsama, mbogo nnanyaazi oba ensolo endala yonna ennene. Bwe baba bategа embogo, mu bunnya basookamu enkoba zisalibwa mu ddiba ly'embogo. Enkoba ezo ze bakozesa okuyiggya mu bunnya ng'efudde. Awo we waava olugero olugamba nti:

***"Nkoba za mbogo zeggya zokka mu bunnya."***

### 2. EKIGU

Kino baddiranga olukoma oluzitowa ennyo ne baluwangamu ekifumu ekyogi ennyo wakati waalwo.

Baakiwanikanga (Olukoma n'ekifumu) ng'ekifumu kitunudde wansi ku ttaka; olukoma nga luli ku kalebwerebwe (kawuzi). Baasibangako akaguwa ak'empuluttulizo ne bakatega mu kkubo ly'ensolo.

Ensolo olukalinnyako, ng'olikoma luli lugwa ku nsolo; ekifumu ekitunudde wansi n'obwogi bwakyo, nga kigifumita mu mugongo, enkizi ng'ekutuka. Ekigu kitegebwa kutta nvubu, mbogo, mpologoma, njovu n'engo.

### 3. OMUKOLIGO OBA OMULIITI

Baatemanga omuti omumpi ogw'amaanyi ate nga muzito, gwa nta nga nnya. Gutera kuba gwa kigaali. Bagugalamiza ku ttaaka ne baleeta omuguwa ogw'amaanyi, ne bagusiba ku nduli eyo ne gunywera nnyo.

Ku muguwa baasibangako enkata ey'amaggwa amawanvu nga mangi. Enkata eyo baalukanga nduke nga bagenda bagisimbamu amaggwa ago; n'essibwa mu kinnya ekiri mu kkubo ly'ensolo.

Ensolo bw'egwa mu kinnya omuli enkata ng'enkata eyambuka waggulu ng'amaggwa gafumita okugulu okulinyeemu. Ensolo bw'edduka ng'ekkoligo likuba ensolo amagulu g'emabega nga gamenyeka.

### 4. EMMASUKA

Baatemanga omuti omuwanvu omugumu obulungi ne bagusimba mu ttaka ne bagunyweza nnyo nnyo. Waggulu gye gukoma ne bagusi bako omuguwa ogw'amaanyi. Omuti baguweta, omuguwa ne bagusibako emmanduso.

Ensolo olulinnya ku mmanduso, ng'omuti gumasuka. Omuguwa nga gusiba okugulu okulinnye mu mpuluttulizo y'omuguwa.

**5. EKYAMBIKA**

Baalanganga omuguwa omugumu ddala ne bagutega mu kkubo ly'ensolo mu kifo ekifunda, nga guzingiddwa, guliko n'empuluttulizo, era nga gumalayo obugazi bw'akakubo.

Erudda omuguwa gusibwa ku muti omugumu ennyo. Ensolo oluyingiza omutwe mu ŋŋango y'omuguwa, ng'emputtulizo eta, omuguwa nga gusiba obulago bw'ensolo.

Gy'ekoma okulwana , n'omuguwa gye gukoma okuginyweza . Kuno kwe kwava n'enjogera eyogerwa ku muntu oba ekintu ekitakuwa mirembe nti ***"Kikufuukidde ekyambika."***

**6. AMAKANDA**

Omuguwa gutegebwa ku ttaka nga guliko empuluttulizo nga gwa kukwata magulu. Era ensolo olulinnyamu ng'esibwa amagulu. Bagisanga ku mugwa oguli ku nkondo nga nnamu, kubanga Abaganda tebaayagalanga kulya **kalannamye** (Ennyama y'ensolo esangibwa ng'efudde).

**WET:** **Okusimba amakanda** kitegeeza **kunywera.**

**7. EKYAMBIKA EKITONO.**

Guno gwa misu. Gukwata bulago. Obugoogwa bwe bwabulanga, ng'omuguwa bagulangisa ebyayi ebinnyikiddwa mu mazzi ne biweweera. Olw'ebyayi okukakanyala, olwawuliranga akakubye, nga mbiro batere basange nga tegunnakutuka. Kuno kwe kwava enjogera egamba nti,

***"Ositukiddemu ng'eyatega ogw'ekyayi.***

**8. EMMASUKA ENTONO.**

Guno gwakolebwanga mu muti omutonotono n'obugwa obutono okuli empuluttulizo. Guno nga gutega bunyonyi.

**9. EKIGU EKITONO.**

Guno gumu ku mitego gy'Abaganda. Ekigu bakiruka mu mmuli oba obuti obutonotono nga bakozesa ebyayi oba ebinsambwe. Nga kiwedde okuluka kiba ng'ekintu ekisobola okusaanikira (bbokisi).

Nga bategа, basimba obuti obw'amakabyo bubiri, nga busuulaganye buli kamu okuva ku kalala. Bafuna akati akalala ne bakaganzika mu makabyo wakati. Akati kano kwe bategera ekigu nga kyasaamiridde.

Eno gye kikoma wansi bayiwayo ebyokulya ebisikiriza kye bateze, era bwe kirya ebintu ebitegeddwako ng'ekigu kigwa, nga kibikka ebitegeddwa.

**10. OLUKA.**

Luno lukozesebwa mu kukwata nkwale na nkofu. Omutezi aluka obuguwa bungi nga kuliko eŋŋango. Asimba obuti n'ayambazzako akagwa okuli eŋŋango eyasamye. Enkofu oba enkwale bwe zijja nga zambala emiguwa era okwo kwe bazisanga.

## 11. OKUSAGGULA (OKUYIGGA OKW'OKWANDAAZA).

Okuyigga okw'engeri eno tekubeerako kifo kya ssimba we kukolebwa. Abayizzi bagenda basaggula n'okunoonya awasuubirwa ensolo. Bw'efubutuka nga bagisimbako n'okugikasuukira amafumu.

Mu kuyigga okw'okwandaaza, oluusi bakozesa **ngugo**. Okukola engugo, bakuŋŋaanya omusulo gw'abantu n'ogw'ensolo oguwera. Bateekamu omunnyo mungi ne batereka okumala ebbanga lya myezi nga esatu.

Oluvannyuma lw'ebbanga eryo, baguggyayo ne bagenda nga baguyiwa awantu naddala ku biswa. Empewo bw'efuuwa, engabi oba ensolo endala ne ziwunyiriza, zijja zigoba okuwunya kuno gye kuva okutuuka mu kifo kino nga zitandika kuguga (kulya). Olwo abayizzi nga bazifumita.

### ENGERO KU MITEGO

1. Amansonyinsonyi gassa olugave.
2. Atega akwasa teyeekaanya kulambula.
3. Atega emingi atega ategulula.
4. Atega ogumu taliira.
5. Asitukiddemu ng'eyatega ogw'ekyayi.
6. Bwangu na bwangu ng'omutezi w'enkwale, ky'ajje atege ng'ategulula.
7. Empisi y'amaddu efa kiteteme.
8. Ensowera ey'amaddu y'efa kigu.
9. Mbuga ekwagala ekira emitego gyonna.
10. Kabizzi kato kasigulira enkulu ekkoligo.
11. Nneesittadde ku jjinja ngudde ku lwayi.
12. "Nsimbi tezeeyamba" Omutego azitega gumu.
13. Obugezageza bwatta ssossolye.
14. Obusolo bwa kuno tebufa , atega gumu.
15. Nkoba za Mbogo zeggya zokka mu bunnya.
16. Obutalya ku kimu bwassa wajjiibwa.
17. Omutego olaba gukwasa eggi ng'akalina obulago tekaayite.
18. Akalina abiri otega kalaba.
19. Ow'akabukuta (akozesa amaanyi) takwasa mutego.
20. Ow'akajujuba (atali muguminkiriza) takwasa mutego.
21. Ow'oluyiringi (nannyini mutego gw'ebyennyanja) taliira maluma.
22. Kateeyanira kafa omutego.
23. Ssemutego tegulwala mugongo nga kye baagutuma tegunnakikwasa.
24. Togaya kigalamidde emmanvu etta enswa.